**06th November 2016.**

# OKUBEERWA KWA MUKAMA KUWANGUZA BULI KISEERA NA MU BULI MBEERA.

**Lubereberye 37, 39.**

Amakya ga leero tugenda kutandika ekitundu ekisembayo mu kitabo kyaffe eky'olubereberye mwe tusinziiridde emisomo gyaffe mu kigambo kya Mukama ku sabbiiti omwaka guno, era ssi kuba nti tulese ekitundu ekyandiddiridde ku musomo kwe twaakoma mu ssuula 35 omulundi oguwedde oba nti tetuulabe ssuula 38, naye okkwasaganya obutereevu okusomesebwa kwaffe kye tuvudde tuba nga tusomesebwa leero mu ssuula 37, n'eya 39 ku mulamwa "OKUBEERWA KWA MUKAMA KUWANGUZA BULI KISEERA NA MU BULI MBEERA." Mwe tugenda okulaba obulamu bwa Yusufu eyali mutabani wa Yakobo era ayitibwa Isirayiri omuggulanda mu mukyala we gwe yasinga okwagala Laakeeri.
Yusufu mu ndagaano enkadde awamu ne Danyeri be basajja ababiri bokka abatoogerwaako kibi kyonna mu bulamu bwaabwe, era nga n'obulamu bwa Yusufu bulina enfaananyirizo ku bwa Mukama waffe Yesu Kristo ezisinga obungi ennyo, ekimuwa ettutumu mu byafaayo bya bayibuli, olw'embala z'obulamu bwe ezigwaanidde okuyigirwaako ennyo ebyo ebitweetaagisa okuba obutuukirivu bwa Mukama Katonda waffe.

Bwe tusoma 37: 1,2………..
Okusooka tuyinza okwetegereza ensonga y'ottubuulira emyaka mu kitundu kino ekisembayo ekituyamba okweetegereza ebiro by'ebiseera by'obulamu bwa Yakobo awamu ne Yusufu mu kitundu kino ekisembayo, ekyansanyusizza okuba nti leero twesanze tusomesebwa wano. Okuba nti tubuulirwa mu ssuula 41:46 nti Yusufu yalina emyaka asatu bwe yatandika okufuga mu Misiri ate bwe weetegereza 41:47, ne 45:6 okuba nti yeeyanjulira baganda be ng'alina emyaka 39. Ate mu kiseera ekyo era mwe yayanjulira kitaawe Isirayiri eri Falaawo ng'alina emyaka 130 (47:9). Ekitegeeza nti Yakobo yalina emyaka nga 90 Yusufu lwe yazaalwa, okuba 107 lwe yallina emyaka 17, ate nga Isaaka twagambwa mu ssuula 25:26 nti yali 60 Yakobo lwe yazaalwa ate mu ssuula 35:28,29 zigamba Isaaka yafa alina emyaka 180, ekitegeeza Isaaka yali akyaali mulamu n'emyaka 167 Yusufu bwe yali 17 egy'obuvubuka!

N’olw’ekyo twesanga tusomesebbwa mu butereevu bw’ebiro by’ebiseera ebyo wadde essuula zaakyangwaamu! Naye ekikulu nti buli ekyawandiikibwa kirina okuluŋŋamya kwa Katonda, era kigasa olw'okuyigirizanga, olw'okunenyanga, olw'okutereezanga, olw'okubuulira okuli mu butuukirivu; omuntu wa Katonda alemenga okubulwa kyonna kyonna, ng'alina ddala byonna olwa buli mulimu omulungi. [II Tim 3:16,17]

Tweyongereyo okusoma mu nny. 3 nga bwe tweetegerezaamu ebikulu mu lugero lwaffe mu bimpimpi……..

Mu ssuula 39……
Lnny.2 mwe tutandikira okkakasibwa ekikulu nti Mukama yali ne Yusufu, [2,3,21,23] eky’amuleetera okuba n’omukisa, ate nga bwe tumanyi nti omukisa gwa Mukama gwe gugaggawaza ne kutagattwa buyinike….[Soma okumalayo essuula]

Tulaba nti mu byonna, okwoolesebwa Mukama kwe yawa Yusufu mu buto bwe, bwe kwagattibwangako obuyambi bwe gyaali, kyaanyweezangannyo Yusufu okumanya n’okwesiga Mukama mu buli mbeera. Ng’olunnyiriri mu Zabbuli 125:1, oluyimbwa n’okuyimbwa nti “Abeesiga Mukama baling’ olusozi Sayuni olutajjulukuka….”. Nkiwa kye kyazzangamu ennyo Yusufu amaanyi mu mbeera enkakali zeyeesangangamu.

N’ekirala obumalirivu bwa Yusufu era nga bwe gwaali eri Danyeri, obuteeyonoonyesa bimatiza mubiri, wadde mu buwaŋŋanguse ky’amuwa enkizo okuwangula okukemebwa kwonna, kubanga yatya Mukama okusinga okutya omuntu, era n’amwesigisa obulamu bwe na byonna eby’abwo era nga Mukama bw’atayiwa tukiraba nga bombi Danyeri ne Yusufu baakuzibwanga bukuzibwa ate gye baali ku mawanga, ate ne baba n’okuganja n’amagezi ebingi, omwaali n’okubikkulirwa ebyama eby’omu mwooyo eky’obwakatonda ddala.

Bingi byetulabye mu lugero lwa Yusufu bye tulaba eby’efaanaanyiriza ennyo obulamu bwa Yesu Kristo, okwagalwa ennyo kitaawe, okukyaayibwa baganda be, okutumwa okubanoonya, okuwagalwa okuttibwa, okutundibwa, okugenda okubateekerateekera okulokolebwa, n’ebirala mwe tusongerwa gyaali…….